

Nti lwakuba nti tebasonyiwa abo aba'bonona,tebalina mirembe.

Bwetuja eli Katonda netusaba ekisonyiwo kye,ajawo obukyayi kumyooyo gyafe naletawo emirembe.Tewakyali kwesasuzabukyayi,kwagala kwa Katonda mukifo kyakwo.Yesu yatulaga ekubo mubulamu bwe ye ela nga kisa kye kyekituletela okusonyiwa

abalala.Petero,omugobezezi,bweyalumbibwa no'butukilivu bya Yesu nobwononyi bwa Petero,yamanya nayatula nti"Ndi musajja mwononyi".Nabwetuty fena bwetuli mumaso ga'Katonda okutusa nga tusonyiyidwa.Yesu bweyali muni,omukyaala omu Bible egamba nti yali mwononyi,ela nga yali malaya ,yakabila kubigele bya Yesu,namusonyiwa ebibi bye,Nagamba abo abali bamwe'tolode,"Abo abasonyiyibwa enyo,ela bagala kinene".

Bwoba toline kusonyiwa mumutima gwo ela nga basobedwa nobukyayi,muje eli Yesu,aja kuba-sonyiwa abasobozese nokusonyiwa abalala,ojakumanya engeli gyosonyiyibwa ela oja-kuba omuntu ayagala Yesu,ela omuweleze obulamu bwo bwona.

Omusajja womumambuka gensi ya Ireland eyafilwa muwala'we,Yali mukurisitayo,yali yanonya nafuna okusonyiyibwa okuva eli Yesu.ob'olyawo ekyo kyekyali ekyama mubulamu bwe ela kyewunyisa abantu olw'okusonyiwa abbata muwala we.Bwonomanya okusonyiwa kwa Yesu,,nawe onomanya ekisa ekyokusonyiwa abalala ela obeele no'bulamu obwedembe ewatali bukawu newankubade obukyayi byona.



Osobola okusaba esaala eno.

Owomukwano Yesu,

Nkakasiza nti nina obukawu bunji no'butasonyiwa mubulamu bwange.Nkikola eli abalala naye nga kikosa gwe,Ondaze okusonyiwa okwa'manyi ela nakakano nkusaba oje onsonyiwe ebibi byange.otwaale bukawu no'butasonyiwa bwange.osonyiwe abo abankoze obubi.Webale Yesu. Nyamba okubeela mubulamu obukusonyiwa, onkume okuva kubutasonyiwa mubulamu obuja.Webale. Amina

Contact 0754036270 or 0779730408

Or email: mcjpbds@tesco.net

www.revivalUK.org.uk



Okukyusa ensi okijizayo eli Yesu Kuristo

OKUSONYIWA



www.revivalUK.org.uk

OKUSONYIWA

Emyaaka egitiseewo emabega, mu mambuka gensi eyitibwa Ireland, omukyala omuto yatibwa mukubaluka kwa bomu. ngojeeko abo'luganda ba'bo abalala abatibwa munsino tebasobola kusonyiwa abo abaabata naye omuzade woyo' omuwala yasobola okubasonyiwa. Ela ekintu ekyo ekita'li kyabulijjo, kyakola amawulile. Omusajja oyo yabuzibwa ensonga lwa'ki yasalawo okubasonyiwa.

Yali nsalawo yanjawulo nyo oluvanyuma lwekikolwa ekyo'butemu ekya'tuuka kumuwala we. Obukyayi no'kuyayanila okweesasuzza bikolebwa nyo olwo'busungu. Abantu bangi baba mubulamu obwo'bukyayi no'butasonyiwa, wabaawo ebituuka mubulamu bwa'bwenga tekibasobozesa kusonyiwa. Kiyinza okuba nga olwokufilwa'ko abaa-gala baabwe oba nga abalibwa'mu olukwe oba nga babidwa. Alumizidwa aba ajude obukyayi, kilabika nga'yogela ela nga kikosa obulamu bwe. Tebafuna mirembe nekibaletela okulaba abasawo. Naye omwa'mi owo mu Ireland yali mulokole asabila wamu ne Evangelical Church, ela obujulizibwe bwali nti Yesu yamusonyiwa ebibi bye ela naye yategekebwa okusonyiwa abo abatta muwala we.

Kikolwa kyakyewunyo ekyokusonyiwa oba ekisa eli omuntu naye ye'gamba nti"katonda ye'musobozesa okusonyiwa "Wade nga teyasobola kweelabila muwala we ela nga yalina enaku naye teyalina bukyayi no'butasonyiwa sinaki nti okubeesasuzza. Kino kyamusobozesa okutambuza obulamu bwe obulungi, nga'wa okweebaza eli Katonda.

Yesu yayogela nyo kukusonyiwa nga'kyali mu nsi. Esaala ezimu kuzisinga okumanyibwa, wakilikomunsi za'bazungu, waliwo akanyilili akagamba nti"Otusonyiwe okwonona kwafe, nga bwetusonyiwa abatukola obubi". Nabwe'kityo ezimu kusaala enkulu tukubilizibwa okusaba ekisonyiwo okuva eli Katonda neeli abo abatukola obubi. Eyo yensonga enkulu eyakolebwa omusaja eyafilwa omwaana we. Yesu yagagamba nti "bwo'tosonyiwa, ne Kitawo owomugulu, talikusonyiwa". Lwaki?

Obutasonyiwa kyo'noonoo ela nga kikontana ne'nono ya Katonda eyokusonyiwa, bwetwekwata kubutasonyiwa tuba twekwata ku kibi ela ne Katonda yandya'gade okutusonyiwa naye tasobola olwokuba twekwata kwe'byo byayagala okututolako. bwetusonyiwa tweelabile nakityo Katonda naye asobole okutusonyiwa.

Yesu, bweyali kumusalaba, yabeela ekyokulabilako mukuyigiliza kwe nemukusaba"Kitange, obasasile kuba tebamanyi kyebakola". Yesu yalaga nti byeyasomesa byakolebwanga mubulamu bwe. Ye teyalina bukumpanya. naye yafuba okulabika nti ye nga afa teyalina bukyayi kumutima gwe. Kino kyali nti wade nga tewali kyeyali akoze ekimuletele okomelelwa.

Daudi kabaka wa Yisilaili. bweyategela ekibi kyeyali akoze ekyokulaila Wuliya eyali bba w'omukyala Dawudi gweyayenda ko, yasaba ekisonyiwo okuva eli Katonda. Yamanya nti" Eli Gwe weka nyononye". Yasaba ekisa nakifuna okuva eli Katonda. Yamanya nti eki-tuufun kili nti okwonono kuba eli Katonda yeka kuba ye mulamuzi wafe fena. Omusajja wafe oli yasaba Katonda ekisa ekinamusobozesa okusonyiwa abo'atta muwala we.

Fena tuli wansi womutindo Katonda gwayagala eli obulamu bwafe. Naye Yesu yalaga okwagala kwe okwa'manyi oluvanyuma lwokusonyiwa kweyalaga. Ensi yona yetaaga okusonyiyibwa kwa Katonda. Naye olwokufa kwa Yesu Kuristo ela nebibi byafe byatekebwa kuye mukifo kyokubiteka kufe, tubisoma, "Bwetweenenya ebibi byafe, katonda mwesigwa ela atusonyiwa ebibbi byafe ela nga ayoza'wo ebibbi byafe". Bwetusonyiyibwa, Katonda ajawo ebibbi byafe, Ekyo kyekyokudamu kyafe eli ebikolwa byafe ebibi nadala obutasonyiwa.

Colossians 3:13



www.revivalUK.org.uk